# FUFA ne ISBAT basse omukago ku bya tekinologiya




Aba FUFA n'aba ISBAT nga balaga endagaano gye baakoze.

Bya VIVIEN NAKITENDE

FUFA esse omukago ne Isbat University okuleeta tekinologiya omupya mu mupiira. Enkolagana eno baagisosootodde Lwakutaano lwa wiiki ewedde ku kitebe kya ISBAT e Lugogo Bypass nga FUFA yakiikiriddwa amyuka pulezidenti waayo Dr. Taiba Azar n'akulira emirimu Edgar Watson sso nga ISBAT yabadde n'amyuka Chancellor Polof. Mathew Kattampackal n'akulira ebyenjigiriza Dr. Kumar Pradeep. Mu nkolagana eno, ISBAT egenda kuyamba FUFA mu tekinologiya w'omupiira owoomulembe n'okukuuma likodi z'ebyemizannyo n'ekitongole ky'amawulire.

Edgar Watson yategeezezza nti enkolagana eno egenda kubayamba nnyo kuba kigenda kwanguyiza abantu bangi emirimu n'okutegeera ebitambula mu bwangu. "Omutendesi ayinza okwetaaga okukyusa omuzannyi nga wano tekinologiya asobola okumuyamba okumanya omuzannyi ali mu mbeera ennungi", Edgar Watson bqwe yategeezezza.

Dr. Azah yagambye nti kigenda kuyamba abanoonyereza eby'emizannyo kuba buli kimu kigenda kubaawo mu budde.